# Ebyabadde mu kkooti ewozesa agambibwa okutta abaana

Bya MARGRET ZALWANGO
NE BENJAMIN SSEMWANGA

EBIFAANANYI BYA ALFRED OCHOW, BENJAMIN SSEMWANGA NE MARGARET ZALWANGO


Abamu ku batuuze abazze mu kkooti ku musango gwa Onyum. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

OKUWULIRA omusango okw'ebyafaayo mu ggwanga, ogw'okutta abaana e Gaba kwatandise ng'ensi yonna eraba.

Abantu ab'enjawulo bajjuzza ekifo okumpi n'abaana we battirwa, nga kkooti ewozesa Christopher Okello Onyum ali ku gw'okulumba essomero n'atta abaana.

Kkooti yawuniikiridde Okello bwe baamusomedde emisango n'agyegaana! Olwo ne bamuwaako obujulizi obwakaabizza abantu. Omulamuzi Alice Komuhangi Khaukha, y'ali mu musango guno ate Jonathan Muwaganya ne Anna Kiiza be bawaabi ba Gavumenti.

Richard Kumbuga ne Sarah Awelo be bawolereza Okello nga baamuweereddwa Gavumenti nga bwe kirina okukolebwa ku musango gwa naggomola ssinga avunaanibwa taba na munnamateeka. Abayambi ba kkooti kuliko; John Musana, Maria Teopsita Kyobija ne Rechael Ainemugisha.

## ABAZADDE KIBASUSSEEKO OMU N'AZIRIKA

Oludda oluwaabi lwasoose kuleeta mpapula okuva mu ggwanika e Mulago abeekebejja emirambo era Muwaganya yategeezezza kkooti nti zino baazikkiriziganyizzaako n'oludda oluwawaabirwa nga tekijja kwetaagisa dokita eyazikola kujja mu kkooti.

- Dr. Abdul Katongole ye yeekebejja emirambo n'alaga nti abaana bano battibwa mu ngeri y'emu nti baabasala ebiso ku bulago ne bavaamu omusaayi mungi ne bafa. Buno bwe bujulizi obwasoose ob'oludda oluwaabi wadde nga Dr. Katongole tajja kujja mu kkooti.

- Stellah Apolot, nnyina w'omwana Gideon Eteku, yalinnye mu kaguli n'abuulira kkooti ebyaliwo kw'olwo. Apolot atunda nva endiirwa yagambye nti: Nga April 2, 2026 nakeera ne ntegeka omwana wange nga bulijjo ne mmutwala gy'asiiba ku Gaba Childhood Development Center ne ng'enda ku gyange.

Zaali ziwera ssaawa nga ttaano ez'oku makya mukwano gwange Nakimuli n'ambuuza nti watutte omwana ku ssomero ne mmugamba nti yee. Yang'amba dduka ogendeyo bagambye waliwo omutemu asse abaana.

Nadduka ne ng'endayo era bwe natuukawo nasooka ne ngwa, ne nsituka ne mpita Gideon. Nawulira tayitaba ne bang'amba abaana babatutte ku ddwaaliro lya Wentz Medical Center. Eno natuukira mu kisenge we baali batadde abaana ne nsanga nga bababisseeko. Omusawo namubuuza abaana n'ang'amba nsooke nzikakkane.

Oluvannyuma yang'amba bonna baafudde. Poliisi yajja n'ebatwala mu ggwanika enkeera ne batuwa emirambo. Omwana wange baamusala kiso ku bulago era twamuziika ku Lwomukaaga e Pallisa. Apolot olwamazeeyo n'azirika era ne bamuddusa mu ddwaaliro.

- Eyazzeeko yabadde Marvin Komatech Otim 32, taata w'omwana Keisha Otim. Yagambye nti: Nga April 2, 2026 nali ku mulimu mukama wange n'ampita n'ang'amba omwana wange afudde.

Mukyala wange ye yali akubye essimu. Nafuna boda ne ng'enda ku ssomero. Natuukawo ne bang'amba nti omwana ali mu kasenge k'abayi (emergeny ward) ku Wentz Medical Center, natuukayo ne nsanga nga yafudde. Maama wange Jackie Omono yajja ne tugenda ku ggwanika e Mulago gye twaggya omulambo ne tugutwala e Ggulu gye yaziikibwa ku Lwomukaaga.

Omwana wange yali agenda kuweza emyaka ebiri nga April 28, 2026. Bannamateeka ba Okello baasoose kusaasira Komakech okufiirwa omwana ne bamusaba atangaaze kkooti. Komakech yatangaazizza nti; Saaliwo ng'obutemu bubaawo era bang'amba bugambi n'eyatta abaana nali simumanyi naye namulabako bwe baali bamutwala ku kabangali ya poliisi.

Ku ssomero bw'oleeta omwana tewali baserikale bakukebera wabula abasomesa be tuwa abaana ne babatwala munda.


Onyum ng'ali mu kaguli ka kkooti e Ggaba.

- Lawrence Mbaziira 40, omutuuze mu Water Zooni e Ggaba ng'ayokya byuma ye taata w'omwana Sseruyange Ignatius, yagambye nti: Omwana wange kw'olwo nnyina ye yamutegeka era bwe baamala n'amwambaza 'sports wear' n'ansiibula, kyokka saasooka kumuddamu n'ang'amba Dadi nkusiibula tonziramu, ne mmuddamu ne mmusiibula.

Olwo n'ang'amba kale dadi tugenze. Nnyina n'amutwala ku ssomero. Zaali ziwera ssaawa nga ttaano muliraanwa waffe, Annet Ssekamatte n'atugamba mudduke ku ssomero waliwo abaana bana be basse. Nasigala waka mukyala wange n'agendayo kyokka namukubira okumanya ekifaayo ate ng'essimu yagirese waka.

Munnaffe Aloysius Zziwa yajja n'agamba 'Ignatius waffe...!' ng'eno bw'akaaba. Awo we namanyira nti omwana wange afudde.

Mwannyinaze Viola Nannyonjo ne mukyala wange baagenda okunona omwana waffe e Mulago era baamusanga atungiddwa ku nsingo emabega ne tumuziika e Namabeya Gomba nga April 4, 2026.

- Taata Odeke Ryan nga ye Simon Okurut agambye kkooti nti: Kw'olwo naleeta omwana ku ssomero ne ng'enda ku mirimu gyange era nali ntutte kasitoma e Kajjansi, mukayla wange n'ankubira ng'ende ku ssomero nti waliwo ekibaddewo.

Bwe natuuka ku ssomero, nasanga omwana agudde wansi ku kabalaza nga bamubisseeko. Namubikkulako ne ndaba ng'asaliddwa obulago.

Omwana nze namutwalanga ku ssomero era abakuumi tebaatukeberanga wabula abasomesa bajjanga ne batuggyako abaana ne babayingiza. Omukulu w'essomero talina kye yang'ambako ku byokwerinda by'abaana.

- Phoebe Namutebi 34 alabiridde abaana bano ku ssomero lino okumala emyaka etaano, yagambye bwati: Tufuna abaana okuva ku bazadde, okubanaaza, okubaliisa okubazannyisa okutuusa ng'abazadde babanonye olw'eggulo.

Omusajja oyo namumanya nga April 1, 2026 ssaawa nga zigenda mu ttaano ez'okumakya. Yajja ku Daycare n'ayimirira ku ggeeti wabweru mu mbeera eraga nti yalina kye yeetaaga. Bwe namulaba nagenda ku ggeeti naye ggeeti yali nzigale.

Namubuuza engeri y'okumuyambamu n'ang'amba nti bamulagiridde nti tukuuma abaana ne mmubuuza emyaka gy'omwana we, n'agamba yalina emyaka nga esatu ne mmugamba ffe tukuuma abaana abali wansi w'emyaka esatu naye tulina ekitundu ekya nassale ku Maratha, asobola okutuukayo ne bamuwa ekifo eyo.

Yanziramu nti, yagezezzaako okumutwala mu kibiina kya bebbi naye abasomesa ne bamugamba tebajja kumusobola kuba yali tasobola kwogera bulungi ng'ate tali 'social' (tayagala nnyo kubeera na bantu). Bino byonna twali tubyogera mu Lungereza. Yagamba nti abasomesa baamugamba nti omwana amusse mu banne w'asobolera okuzannya n'abalala ayige okwogera.

Yansaba nti bw'anaaba aleese omwana oyo mmufeeko ayige okwogera olusoma oluddako amutwale mu bbebi. Bwe twamala, n'ambuuza bye twetaaga ye okuba ng'aleeta omwana. Olw'okuba yali ayagala kumussa mu kibinja ky'abawa ssente, namugamba omwezi emitwalo 12, okwewandiisa omutwalo gumu, yunifoomu emitwalo 6 n'ensawo mw'aleetera engoye z'omwana z'akyusizaamu ng'amaze okunaaba. Bino nabimugamba ali bweru nga nze ndi munda kw'olwo saamuggulira.

Yang'amba k'agende abitunulemu adde asasule. Bwe yali tannagenda, yambuuza tusasula tutya, ne mmugamba nti tusasula kaasi mu ofiisi. N'ambuuza ate 'mobile money'? Ne mmugamba nayo tugikozesa ssinga ssente ziba ku ssimu tumuwa ennamba kw'asobola okuzissa. Era bwe yamala n'agenda. Mu kiseera ekyo abaana baali wabweru nga bazannya kuba ezo essaawa zibeera za kuzannya.

Ng'oggyeeko nze, waaliwo bannange abalala be nkola nabo era baali wabweru. Olwo yagenda n'akomawo enkeera mu ssaawa era ze zimu n'ayimirira ku ggeeti nga bwe yakoze eggulolimu. Namulaba, n'engeri gye nali namulabyeko nga twayogedde naye.

Nagenda ku ggeeti, bwe yandaba n'agamba nti abadde akomyewo ku nsonga y'eggulo, asasule ebyetaagisa. Namuggulirawo ggeeti, yalina akasawo ak'abaana abato ke yagamba nti ke namugambye okuleeteramu engoye z'omwana. Namutwala mu ofiisi y'atukwasaganya ayitibwa Odong Annet. Odong yamwaniriza n'amuwa akatebe n'atuula ne mmwanjulira ne bye twali twayogeddemu olunaku olwayise.

Madam Odong naye yamubuuza ku nsonga z'omwana oyo. Yamubuuza emyaka gy'omwana, n'atugamba omwana si y'amuzaala naye alina maama we ateesobola kuba taata w'omwana yabalekawo. Yatugamba yali avuddeyo nga omuyambi okuyamba omukyala oyo okumulabirira n'okumuweererera omwana era yali azze kusasula ng'ajja kusindika nnyina w'omwana aleete ebimukwatako omuli n'ebiwandiiko.

Madam Odong n'amubalira ssente mu bitundutundu, emyezi 12, okwewandiisa n'emitwalo mukaaga eza yunifoomu. Omwami bwe baamala okumugamba ssente n'azongera yennyinyi n'atugamba zibeera emitwalo 19. Yakozesa mutwe gwe okuzigatta. Madam Odong yaggyayo kaliculeeta okugatta akakase.

Bwe yamala okubalamu n'amugamba kituufu. Mr. Christopher n'agamba Madam Odong amuwe nnamba y'essimu kw'aba ateeka ssente kuba zaali ku ssimu. Odong yamusomera nnamba n'assaako 190,5000/- nga 5000/- zaali za kuggyako. Madam Odong yang'amba ng'ende ndeete akatabo ka lisiiti tumuwandiikire lisiiti. Bwe nnali mpandiika lisiiti, nambuuza amannya g'omwana ge mba nteekako.


Yagang'amba, naye omulundi ogwasooka ssaawulira ne mmugamba addemu, mu kifo ky'okwogera amannya yayogera nnukuta ku nnukuta nga bwe mpandiika amannya 'Zuriel Onyun'. Lisiiti nagimuwa Madam Odong n'amugamba nti, tweyanzizza omwana tumulinze ku Lwokubiri.

Yafuluma n'atambula ng'adda ku ggeeti. Bwe yagenda ku ggeeti ne mmuvaako nga ndowooza afulumye. Ne nfuluma okuggulawo dduloowa okuzzaayo lisiiti. Nali sinnazzaayo ne ntunula mu ddirisa ndabe ekiri wabweru. Naddamu okulaba Okello ng'akutamye wansi. Wansi waaliwo omwana nga naye amukutamyeko. Mu bwongo bwange, nasooka kulowooza ali mu kukuba mwana, lisiiti nagisuula ne nziruka we yali. Natuuka mmubuuza abaana baffe okuba ba ki?. Naye yali tannanziramu ne ndaba, Keisha Agenowrth, ng'ali wansi mu kitaba ky'omusaayi.

Omusajja yayimuka ng'akutte akaso mu ngalo. Omwami oyo yalina sipiidi era yabakirawo omwana omulala, nagenda okulaba nga naye amuteeka wansi ne mmanya naye agenda kumusala. Mu bwangu nakwata akagaali abaana bwe bavuga wabweru ne nkamukasukira. Yasooka n'aleka omwana gwe yali akutte n'angoba.

Nadduka nga bwe ndeekaana naye ne ngwa. Bwe yalaba ngudde n'andeka n'adda awali abaana, bwe nasituka nasanga asaze owookubiri ng'amumaliriza, nakwata akagaali akalala ne nziramu okukamukasukira ng'agoba omwana owookusatu.

Ekintu kino kyagwawo mu ddakiika ntono nnyo. Munnange omu yali alongoosa we baliiriidde, Madam Odong yali mu ofiisi ng'alina lipooti z'akola, ng'omulala atutte baana kweyamba kuba baali bava kulya. Bwe bamala okulya tubatwala okweyamba n'okulongoosa ppoti. Omufumbi yali mu ffumbiro ng'afumba.


Onyum ng'atuusibwa ku kkooti e Gaba wakati mu bukuumi obw'amaanyi.


Ebyokwerinda byabadde ggulugulu nga buli wamu waliwo abaserikale.


Omu ku bazadde abaafiirwa abaana yazirise abaserikale n'owa Red Cross ne bamuddusa mu ddwaaliro.


Eyabadde akola effujjo wabweru wa kkooti, poliisi yamulinnyisizza kabangali yaayo n'emutwala.

Eyali alongoosa ne Madam Odong baavaayo naye tebaasooka kumanya kigenda mu maaso kuba bano baali wansi. Namukuba akagaali ng'agenda ku mwana owookusatu era yangoba era olw'okutya kwe nnalimu nagwa emirundi esatu. Ku mulundi ogwokusatu, yantuukako n'agalula akaso.

Engeri gye nalaba ng'asaze bali, nazibiriza nga mmanyi nange agenda kunsala. Naye yandeka n'addayo mu baana era nalwawo wansi engeri gye nalimu entiisa, nagenda okusitukawo ng'ali ku mwana eyasembayo. Omwana gwe yasembayo okusala yali Ryan Odeke era bannange enduulu ze baali bakubye zaali zireese abantu era nalaba Cyrus Bukenya eyasamba ggeeti n'ajja. Ono baali mu luggya lwa kkanisa nga bakola, ye yataasa.

N'abalala basatu okuli; Bashir, Timothy ne Afande Moses. Omukuumi waffe yali ali mu kulawuna kwetooloola era Cyrus bwe yamukwata baamuggalira mu kasenge k'omukuumi kuba abantu baali bazze nga baagala kumukolako bulabe. Bwe yalaba ng'abasajja bayingidde, akaso ke yalina n'akakasuka ebweru wa ggeeti. Nga bamukwata, baamusikamu obuso obulala bubiri bwe yali atadde mu sitookisi.

Nasitula Ryan nga ndowooza oba akyali mulamu mmutaase kyokka yali yafudde dda! Poliisi yali ezze olwo ne bandagira nzigyemu engoye kuba zaaliko omusaayi. Abaana twabateeka mu mmotoka ya Madam Odong ne tubatwala ku ddwaaliro. Omusajja eyatta abaana yali tayogera wabula ng'assa nnyo.

**LINDIRIRA EBIRALA ENKYA.**